# BY'OKOLA OKUZIYIZA EMPISO OKUTANA KU MWANA

**Asiika Obulamu**

Bya JOANITA NANGONZI



Omusawo Milly Makabugo ng'agema omwana, ku Bbira Health Center III.

ABAZADDE bangi batwala abaana baabwe okubagema n'abamu ne bagaana nga beekwasa nti, empiso za bulabe era bwe babagema batana ne kituusa n'abamu okufuna obulemu, ekitali kituufu n'akatono.

Obuzibu bwonna buva ku nkwata na ndabirira ya kifo awakubiddwa empiso ng'abamu bassaako ebintu bye basanze mbu bagema okuzimba kw'empiso zino ne batuuka n'okufuna amabwa agatana ne gafuna amasira n'abamu okufuna ebinnya mu nnyama.

Kino kituuka ne ku bantu abakulu bangi abakubwa empiso ne zibafuukira ekizibu era ne bafundikira nga balongooseddwa oluvannyuma lw'okutana ne bamala ebbanga ddene mu bulumi kuno kw'ossa n'okusaasaanya ssente ennyingi okwejjanjaba.


### NASIBA KATUNGULUCCUMU WE BAAGEMA OMWANA N'ABABUKA

Resty Nambi, omutuuze w'e Mutundwe agamba nti, omwana we yagemebwa oluvannyuma n'azimba empiso okumala omwezi mulamba, annyonnyola bw'ati:

Buli lwe mbeera n'omwana akyagemebwa mbeera ku bunkenke olw'obuzibu obwantuukako nga ng'emesezza omwana wange eyasooka.

Bwe nali sinnatwala mwana mu ddwaaliro nasooka kwebuuza ku mikwano gyange bampe ku magezi ku biki ebinannyamba omwana wange obutafuna bbugumu ng'agemeddwa oba omusujja n'empiso obutazimba.

Bampa amagezi nsooke ngule panado akozesebwa nga bamunsonseka emabega mu mwana aleme okufuna omusujja ng'agemeddwa oba ngule empeke za panado mmuweeko akatundu.



Dr. Tonny Ssentongo.

Baayongera ne bang'amba nfune katunguluccumu mmusekule nteeke awakubiddwa empiso oba nteekewo kalimbwe empiso ereme okuzimba.

Buli kye bang'amba nakikola era nagula panado ne mmusonseka omwana emabega oluvannyuma ne mmutwala mu ddwaaliro.

Bwe twatuuka awaka, nasekula katunguluccumu ne mmuteeka awaakubwa empiso ne mmusirawo. Kino kyavaako omwana wange okuzimba olususu ng'alinga ayokeddwa omuliro era namuddusa mu ddwaaliro ne bamujjanjaba n'okutuuka kati akyalina enkovu.

### NAKUNYA EMPISO N'EYONGERA KUZIMBA

Sarah Namusoke, omutuuze w'e Mukono ng'ono omwana we yazimba empiso oluvannyuma lw'okugikunya annyonnyola nti:

Bwe natwala omwana okumugema mu kalwaliro akandi okumpi, eyali agema yang'amba nti, empiso gikunye buli kaseera okutuusa lwe mpulira ng'ekikaluba kivuddemu era nange kye nakola. Buli luvannyuma lw'eddakiika 30 nga nkunya omwana, wabula gye nakoma okumukunya n'omwana gye yakoma okuzimba empiso okutuusa bwe nneebuuza ku bantu abalala ne bagamba nteekeko ebinnyogoga okutuusa lw'anaawona.

Natandika okussaako ayisi nga mpisaawo essaawa ne nteekawo okutuusa lwe yateera oluvannyuma lwa wiiki nga ssatu.

### EBIVAAKO EMPISO OKUZIMBA

Dr. Tonny Ssentongo owa Bbira Health Center III annyonnyola ensonga ezivaako empiso okuzimba ng'agamba nti, oluusi kitandikira ku basawo abagema abaana n'ebiba bikozeseddwa ku mpiso:

*1* **Obuteeteekateeka bulungi:** Omusawo yenna agenda okukuba omulwadde empiso atandikira ku kweyonja omuli: Okunaaba mu ngalo ne yeesiimuula n'akatawulo akatukula, okuteekateeka obucupa bw'empiso bw'akozesa, empiso zirina kubeera mpya awamu n'eddagala ly'abeera agenda okujjanjabisa omulwadde.

*2* **Obutekebejja mulwadde kumanya mbeera ya bulamu bwe:** Omusawo alina okumanya embeera y'obulamu bw'omulwadde nga tannamukuba mpiso. Waliwo abantu abalina emibiri egitana, kino omusawo alina okubuuza omulwadde n'amusalira amagezi amalala.

*3* Obucaafu n'obutagoberera mitendera: Waliwo emitendera egigobererwa abasawo abakugu egimanyiddwa mwe bayita okukuba omuntu yenna empiso era omusawo bw'atagigoberera awo wayinza okuvaako obuzibu omuntu n'azimba empiso. Ebimu ku birina okugobererwa kwe kuli okwambala ggiraavu obutamala gakwata ku mulwadde na ngalo osanga naawe kukwatibwa, wabula n'omusawo obutasiiga mulwadde buwuka osanga obuvudde ku bintu by'akutteko.

*4* Obutalongoosa bulungi lususu awakubwa empiso. Mu butonde bw'omuntu waliwo obuwuka obukuuma olususu obuzaalibwa bakitiriya obukuuma olususu era tebulina buzibu, wabula obuzibu bujja nga buyingidde mu kiwundu oba ng'omuntu akubiddwa empiso ne buyingira mu kiwundu. Buno bulinnyisa ebbugumu ly'omubiri, n'okuzimba ku lususu empiso w'ekubiddwa ekivaamu wazaala amasira okutuusa lw'alongoosebwa.

*5* Okweteekako ebintu ebitakkirizibwa basawo ku lususu awabeera wakubiddwa empiso, ebintu bino bibeerako obuwuka obuyingira mu kiwundu ne wazimba, n'oluusi obucaafu bwabyo okugeza abakozesa kalimbwe.

### EBITANYA EMPISO MU BAANA ABAGEMEDDWA

- Okugemebwa abasawo abatali bakugu ne bakuba bubi abaana empiso.
- Obuteeyonja n'obutayonja mwana bulungi ng'agenda okukubwa empiso.
- Okukunya empiso, abasawo abamu bwe bamaliriza okukuba abaana empiso bo bennyini bazikunya n'okulagira abazadde okukola kye kimu ekyobulabe.
- Okusiiga awakubiddwa empiso ebintu eby'enjawulo okugeza; obutungulu, katunguluccumu, kalimbwe, okunyiga omwana n'amazzi agabuguma n'ebirala.
- Okukozesa eddagala eribeera liyiseeko mu kugema.

## Omwana agenda okugemebwa alina okuweebwa eddagala?

Omwana nga tannagemebwa, omusawo amupima okumanya ebbugumu lye, n'obuzito bwe n'amanya ekituufu eky'okumukolera. Bw'abaamu n'obulwadde nga omusujja gw'ensiri n'asooka ajjanjabibwa.

Kikyamu okuwa omwana panado oba eddagala eddala lyonna ng'omuteekateeka okumutwala okugemebwa kuba taba mulwadde era eddagala eryo lisobola okumukosa.

Omwana agemeddwa bw'atuuka awaka n'afuna ebbugumu oba omusujja, muzzeeyo mu ddwaaliro abasawo bamuwe obujjanjabi obwetaagisa.

Olumu abaana balwala ng'eddagala eriba libakubiddwa terikwataganye na mibiri gyabwe, ate oluusi balwala olw'amaanyi g'eddagala.

### AZIMBYE EMPISO AJJANJABWA ATYA?

- Toteeka kintu kyonna ku mwana w'agemeddwa, wabula singa atana, awazimbye abasawo basalawo ne banyigamu amasira n'okulagirira omuzadde ek'okukola.
- Singa omwana azimbye empiso, mudduse mangu mu ddwaaliro abasawo bamujjanjabe. Abasawo bajjanjaba omwana okusinziira ku ngeri gy'aba azimbyemu.

### *Abantu kye bagamba*



**Abud Mayanja: Okwegendereza kwetaagisa eri bamaama, abasinga buli kye babalagirira kye bakola ku baana baabwe nga tebasoose na kwebuuza ku basawo ekivaako ensobi.**



**Angella Nakiwala:** Bwe ng'emesa omwana, nteekawo akawero akannyogoga nga kayonjo okuziyiza empiso okuzimba, era nneewaala okumuwa eddagala okuggyako abasawo lye bampadde.



**Moreen Lusembo: Nze bwe ng'emesa abaana bange nkola ekyo kyokka omusawo ky'aba agambye, siteekako kirala kyonna kuba nkimanyi nti, si ddagala.**